**17th November 2019.**

# YESU KRISTO ATUWA OBUMU.

**Abakkolosaayi 4:7-18.**

Omutume Pawulo ng'amaliriza ebbaluwa eno ayongera okuluŋŋamya ku nsonga abamu ku ffe zetwandirabye nga entono bw'ozigeraageranya ku butuukirivu, amaka, emirimu wamu n'okusaba mu bulamu bw'omukkiriza bye yali amaze okusomesa waggulu.

Mu kitundu kino anokolayo abamu ku bantu abaali abaweereza ba Kristo mu Kkolosaayi n'ebitundu ebyali biriraanyewo ate era n'agattako n'abo beyali nabo e Roma gye yasinziira okuwandiika ebbaluwa eno.

Tujjukire mu nnyanjula y'ebbaluwa eno nti twamanya nti omugaso gw'ebifo, amannya g'abantu, ebiro (ebiseera) wamu n'ebyakolebwa bituwa obukakafu bw'obutuufu bw'ebyawandiikibwa nti si ngero bugero ezaayiiyizibwa omuntu wabula bwali bulamu obwaddala.

Abamu ku bantu abaanokolwayo mwe mwali;

i) Vs.7-8 Tukiko; Ono ayogerwko ng'omuweereza omwesigwa, omuddu wamu ne Pawulo.Ye yeetikka ebbaluwa eno ng'ava e Roma ng'addayo mu Efeso era ng'eno yagattibwako ebbaluwa eri Abaefeso wamu n'ebbaluwa ya Firemooni.

Abaefeso 6:22……

Era yalina okutegeeza Abakkolosaayi n'Abaefeso ebifa ku Pawulo ne banne ate era n'okubazzaamu amaanyi.

ii) Vs. 9 Onesimo; - Ono yayogerwako ng'ow'oluganda omwagalwa era omwesigwa ate yali wa mu kitundu kino ekya Kkolosaayi.Naye yali waakutegeeza ebifa ku Pawulo ne banne.

Tumanyi nti ono yali muddu wa Firemoni eyali yadduka oluvannyuma lw'okusobya naye nga yasisinkana Pawulo omutume n'amubuulira enjiri ya Kristo era n'alokoka.

Firemoni 10, 11, 16

iii) Vs. 10-11 Alisutaluuko; Ono ayogerwako ng'omusibe wamu ne Pawulo kubanga yagabanira wamu naye mu kubonaabona ku lw'enjiri.

Ebikolwa By'abatume 27:1-2

Firemoni 23

Firemoni 23

iv) Makko

v) Yusito (Yesu)

Bano baali Bayudaaya abakozi wamu ne Pawulo mu bwakabaka bwa Katonda.

Ebimu ku bikulu ebiboogerwako kwe kuba nti bazzangamu Pawulo amaanyi.

Makko ono tumulaba mu Bikolwa By'abatume 15:36-40 yaleetawo obutakkaanya wakati wa Pawulo ne Balunabba naye oluvannyuma baakwatagana ne beeyongera okuweereza Mukama.

2Timoseewo 4:11

vi) Vs. 12-13 Epafula; Ono yali w'Ekkolosaayi ate nga yeyabuulira Abakkolosaayi enjiri ya Kristo.

Yafubanga okusabira Abakkolosaayi banywere mu kukkiriza, era n'okutegeera Katonda by'ayagala.

vii) Lukka ne viii) Dema; Lukka yali musawo era ono yeyawandiika enjiri ya Lukka ate n'Ebikolwa By'abatume.

ix) Vs 15-16 Ab'omu kkanisa ya Lawodikiya; bano baali balirwana ba Kkolosaayi era nabo tulaba nga baawandiikirwa ebbaluwa (naye kigambibwa nti ebbaluwa eno y'eyali yawandiikirwa Abaefeso) era nga baali baakuwanyisiganya ebbaluwa zino n'Abakkolosaayi zisomwe mu bo olw'ensonga nti ebitundu bino byali biriraanaganye ekiraga nti n'ebisoomooza byali bifaanagana.

Bano era tubalaba nga Kristo yabawandiikira ebbaluwa emu kw'ezo omusanvu ezawandiikibwa eri ekkanisa ez'enjawulo.

Okubikkulirwa 3:14-21

x) Vs.17 Alukipo; Ono yakubirizibwa okussaayo omwoyo ku kuweereza kwe yaweebwa abe nti abutuukiriza.

Yandiba nga yali muweereza eyali asumba ekkanisa y'Abakkolosaayi mu kiseera kino.

Vs. 18 Nga bwe twalaba mu ssuula 1:1, Pawulo akakasa nga ye bwe yawandiika ebbaluwa eno.

Mu byawandiikibwa ebyo waggulu tulaba abantu ab'enjawulo mu kkanisa ya Kkolosaayi era n'abo abaali awamu ne Pawulo mu buweereza mu kisera kino; kino kitulaga obugagga bw'ekkanisa ya Kristo.

Mu kkanisa y'Abakkolosayi tulabyeemu abasomesa b'enjiri, abasawo, abayambi ba Pawulo, abaali abaddu ate era nga bano baali bava mu bitundu eby'enjawulo naye bano batabaganyizibwa mu bumu mu kkanisa ya Kristo.

- Entabagana zino zitulaga obumu bw'ekkanisa . Obumu obuleetebwa wakati mu njawukana mu mawanga, ekikula, obuyigirize buleetebwa olw'Omwoyo wa Kristo afugira mu mubiri gwa Kristo.
- Buli alina okubaako ky'akola mu kkanisa bw'akikola kimussa mu bumu n'abaweereza abalala.

Abaefeso 3:17-18, 2:14-19

- Ennyiri zino ezirimu abantu ab'enjawulo zituleetera okutwala buli muntu nga w'amugaso mu kkanisa; abaddu, abasawo, ababuulizi ffenna tuli omuntu omu mu Kristo era tuli ba mugaso.

Abaefeso 4:3-6

- N'olwekyo, bwe tuba nga buli omu ku ffe ali kitundutundu ku mubiri gwa Kristo kuddaala eddeneko ekkanisa nayo erina kuba bumu kuba eri emu nti ffe abaliwo kati tetwetaaga bbaluwa za ssekinnoomu wabula okwesigama ku njigiriza y'ebyo eby'awandiikibwa edda.

Mukama atuyise ffe ab'enjawulo tubeere omu mu Kristo Yesu.